Okuyigirizibwa Baibuli mu wiiki eggwaako nga 21 Kafuumuula mpawu 2019
OMULAMWA: Entaana enjerere.

Olunaku	**Enyiriri**	**Ebibuuzo ebikubuzibwa okwekebera**
Bbalaza.	**Zabbuli 30:3-5, 49:14-15.**	Ekigambo "magombe" kikozesebwa n'amakulu ki mu byawandiikibwa bino? " Magombe" ki Mukama gakuyisizzaamu mu lugendo lwo naye?
Lwakubiri.	**Lukka 7:1-15, 8:40-56, Yokaana 11.**	Ebyawandiikibwa bino bituyigirizaaki ku kufa? Bakabona n'Abafarisaayo kiki ekyaali kibalumya omutwe? Naawe olina by'ewekengera ebikugaana okulaba n'okusiima omulimu gwa Katonda?
Lwakusatu.	**Yokaana 11:25-27. Yokaana 5:28-29.**	Mariza yaddamu atya ebigambo bya Yesu eby'amazuukira? Tusaanye kutunuulira tutya entaana z'abakkiriza?
Lwakuuna	**Lukka 24:1-44.**	Abakyala bwe batuuka ku ntaana baasanga ki? Lwaki malayika abayigirizwa abayita basiru mu lunyiriri 25? Gerageranya ne nyiriri 6-7, 44.
Lwakutaano.	**Lukka 24:45-56.**	Yesu kiki ky'atangaaza abayigirizwa be? Obuvunanyizibwa bwa bayigirizwa bwali ki okusinziira ku lunyiriri 48? Ekyo kitegeeza ki?
Lwamukaaga	**1 Abakkolinso 15:19-32.**	Entaana enjerere ekyusa etya engeri abakkiriza gye batunuuliramu obulamu n'okufa?
Ssande.	**2 Abakkolinso 4:14-18.**	Entaana enjerere etegeezaaki eri abakkiriza okusinziira ku lunyiriri lwe 14? Obulamu bwaffe buli ku ki okusinziira ku lunyiriri lwe 16?